


FAIZAL KIZZA

RCC wa Industrial Division, Banja ng'ayogera eri abayizi. Ku kkono be bayizi be baakwata nga bali ku poliisi.

# Essomero ligobye abayizi 4 abaalabikira mu katambi nga bakuba munnaabwe

Bya FAISAL KIZZA

POLIISI ekutte abayizi ba Nkoma SS mu Mbale City abaalabikira nu katambi nga bakkakkanye ku munnaabwe owa Mbale Progressive SS ne bamukuba ssaako okumunyagako ebibye.

Ekibinja kino kyalimu abayizi ba S2, S3 ne S4 ssaako abavubuka abatasoma wiiki ewedde era poliisi yabagombyemu obwala nga balinze kutwalibwa mu kkooti bavunaanibwe.

Omumyuka w'omukulu w'essomero lya Nkoma SS, Muhammad Ntege agamba nti, ensonga baazikwasa poliisi era omuyiggo ne gutandika okukkakkana ng'abayizi abaakola effujjo bakwatiddwa.

Ntege agamba, baagobye abayizi bano bana olw'okusiiwuuka empisa sso ng'omwogezi wa poliisi mu bitundu bya Elgon, SP Rogers Tayitika yategeezezza abayizi ba Nkoma SS bana n'abalala 2 abatasoma bakuumirwa ku poliisi.

Agamba nti abayizi ba Nkoma SS, Mbale High, Mbale SS, Mbale Progressive SS ne University Link High mu kiseera nga bateereddwa okudda awaka, bwe basisinkana beekolako effujjo ne balwanagana.

Beekolamu ebibinja bye baatuuma; B13, Big Foot, Virgin breaker, B2C, Commandos, Men men, Bad Boys n'ebirala ne bunyaga amasimu g'abantu ne ssente, obusawo bw'abakyala n'ebirala.

Yalabudde abakola effujjo nti ku mulundi guno nga poliisi, bakambwe nnyo era baakwongera ne kkamera enkessi ku nguudo okulwanyisa obumenyi bw'amateeka ekikula kino.

Akulira okukwasisa empisa ku Nkoma SS, Yusuf Ahmed yagambye nti abaagobeddwa kuliko; Wodonya Brian (S3), Magombe Edrin (S2F), Magomu Brian (S2B), Namayisi Kadiri (S2F). N'agamba nti, olukiiko lw'empisa lwasalawo omuyizi aneenyigira mu bikolwa ebiswaza essomero waakugobwa.

RCC wa Industrial Division, Hamza Bbanja agambye nti obuvuyo bukendeddeko okusinziira bwe kyali emyaka egiyise.